335/1
Luganda
2022
2 Hours

**MATIGO MOCK EXAMINATIONS**

**UGANDA CERTIFICATE OF EDUCATION**

**(OKUWANDIIKA EMBOOZI, OKUKYUSA, OKUFUNZA, EBISOKO NE GGULAAMA)**

LUGANDA

**Paper 1**

**Essaawa bbiri**

**EBIGOBERERWA:**

- Olupapula lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu, **A**, **B**, **C.**
- Mu kitundu **A** mulimu nnamba 1(a) ne 1(b). Kolako ennamba emu
- Mu kitundu **B** kola nnamba **2(a)** oba **2(b)**
- Mu kitundu **C**, Nnamba ssatu yonna yabuwaze.

©2022 Matigo Mock Examinations

## EKITUNDU A

1. (a) Ku mitwe egikuweereddwa londako gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo 400. (obubonero 50)

(i) Atakwagala takuwa!
(ii) Empisa z'obuntubulamu ezisaana omwana omuganda.
(iii) Ebizibu ebituuka ku baana abawala nga bali ku ssomero bye bibaleetera okuva mu ssomero nga tebamalirizza misomo gyabwe.
(iv) "Ne mala nsisinkana Katonda!"

## OBA

(b) Ku mitwe gino wammanga londako ebiri buli gumu oguwandiikeko emboozi nga bw'olagiddwa. Kozesa ebigambo 200. **(Buli mutwe obubonero 25)**

**(i)** Olukiiko lw'essomero lyammwe olwa Nkobazambogo lusazeewo nti, Katikkiro wa Buganda y'aba aba omugenyi omukulu ku mukolo gwammwe ogw'ebyobuwangwa (cultural day) n'okukyusa obukulembeze. Wandiika ebbaluwa emuyita ng'eyita eri Minisita w'eby'enjigirizan'eri omukulu w'essomero lyammwe. Omukungu akola ku by'entambula za Katikkiro aweebweko kkopi. **(Ebigambo 200)**

(ii) Musomesa munnammwe afiiriddwa kitaawe mu kabenje akaagudde ku luguudo lwe Nakitokolo. Wandiika obubaka obukubagiza ab'enju y'omugenzi, obunaasomerwa abooluganda n'abeemikwano mu kuziika omutaka ono. **(Ebigambo 150)**

**(iii)** Wandiika omuko mu lupapula lw'amawulire "Kasuku" ku mutwe ogugamba nti, " Kawasa yakoma ku njokye". **(Ebigambo 200)**

**(iv)** Muli ku mukolo gw'ebyemizannyo mu ssomero lyammwe era n'olondebwa okuyita omugenyi wammwe omukulu eyavudde mu FUFA ajje ayogereko eri abantu. Wandiika nga bw'onaamuyita. **(Ebigambo 150)**

*©2022 Matigo Mock Examinations*

## EKITUNDU B

Kola ekibuuzo (2(a) oba (2b) buli kibuuzo kya bubonero 20)

2 (a) Soma ekitundu ekikuweereddwa n'oluvanyuma oddemu ebibuuzo.

(i) Kiwe omutwe ogukituukirako. (obubonero 02)

(ii) Kifunze mu bigambo nga 100 (obubonero 18)

Omuvubuka eyabadde yeemoolera ku muka musajja ng'amukwana yakiguddeko omukazi ono kyakulasajja bwe yamuviiridde mu luyi vva mumba olwamuleese ne kanzungu.

Bino byabaddewo ku lwomukaaga oluwedde, omuvubuka ono eyabadde aunda ffulasika, obugoye bw'abaana, obukomo, eby'omunviiri z'abakyala, ebyomubulago netwala tugende omulala bwe yayise Maama w'abaana okuva mu kikomera eky'ebiwempe gye yabadde n'atandika okumugondezaako amalago olwo nno mbu amukwana!

Maama w'abaana naye teyabadde mubi naye yavuddeyo mukikomera ng'ataddeko n'akamwenyumwenyu akacamuukiriza nnyini n'omulenzi n'atuuka n'okulowooza nti, "kisalidde mu ntamu" era nti, Ddungu ayizze, nti, akamasu kakwasizza, anti, olwo yabadde alowooza nti Maama w'abaana akkiriza.

Yatandise okumugamba nga bw'abadde amusula ku mwoyoo ng'olufuba, mbu nga bw'abadde teyeebaka nga n'emmere talya mbu nge ntabwe kwe kulowooza ennyo Maama w'abaana.

Yabadde akyayongera okwerogoosola n'okwetyotyoggola Maama w'abaana n'abimukaliza ku matama.

Yamubuuzizza nti, obanga bulijjo abadde amulowoozaako bw'atyo amunyonnyole lwaki yali tamugambangayo kagambo?

Omuvubuka ono tegamumyuse? Ekyokuddamu ng'akiraba? Tannatandika kupalappalanya mbu ate....at....?

Yabadde ekyalondobereza ng'eyanyaga emu Maama w'abaana n'amuviira mu luyi vva mumba olwamuleese ne kanzungu ku mutwe ne lumuyisa n'abaafa. Tannamwongera olulala? Bwe gwatuuse awo, omuvubuka eyabadde akyekazaakaza ng'akyaluyita lwa mannyo wenu n'amannya nti talusobole maama w'abaana yabadde tasiika binyomo. Yataddeko kakokola tondeka nnyuma. Olwonno nga n'abantu batandise okukuŋŋaana. Ate tobamanyi ab'ekibuga bampulidde kamenya.

Maama w'abaana ono abadde yeewerera dda abatembeeyi ng'akaze kaabwe, akokwemoolera ku baka bandi akamanyi. Ko ye nti, lumu gw'endigwikiriza

y'alinyumiza banne abalala. Ate ddala omutembeeyi alifa akirojja. Ate ggwe asoma bino oyizeemu ki?

**Oba**

2 (b) Kyusa ekitundu kino mu Luganda.

At the age of 57, Christopher Songhor, should be aging, but with the energy he has he could easily pass for a 30 year old.

His dream is to see that every child in Sebei region has access to formal education and gets out of poverty and ignorance. Because their father was a police man, Songhor and his siblings were always on the move. This exposed him to communities that value education.

"I learnt that education was important, communities were progressing because of education. An educated mother can take a sick child to hospital and an educated father will ensure that his child is healthy." He says.

After his high school at Sebei College, he was recruited as a teacher trainee at the school. His dream was to study engineering, but he felt the subject was irrelevant to his community at the time so he settled for teaching.

"In 1984, I graduated with a degree in Economics and statistics", he recalls, "I was posted to Sebei college as Deputy Head teacher, it was the first time someone from our community was holding such a prestigious position," he says. Less than 30 people from his community had graduated since independence, so Songhor started a campaign to send children to school. He mobilised them to embrace the teaching profession so that they could act as pillars of their society.

Songhor did not wait for the parents to send their children to school. Instead, he went to their homes and talked to them. At first, it was difficult but when he involved the chiefs and clan Elders, they began to respond. At the time, the number of Sebei students was hardly 50. After three years on job, the number of students increased to about 300, and to reward him, the Education Ministry elevated him to the position of Head teacher.

(Extracted from the New Vision, Wednesday, May 20, 2009 with minor changes, written by Fredrick Womakuyu)

## EKITUNDU C

Kola ebibuuzo 3(a) ne 3(b)

3. (a) Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekeddwawo mu sentensi zino wammanga. (Obubonero 20)

(i) Kitaawe wa mikolo y'agenda dda gye balunda,........................................... anti yafa.

(ii) Omulwadde waffe kati akubye ku .............................. era bagenda ku musiibula enkya.

(iii)Munnange olabye anti teri kakuzza eri .................................................... era tugenda kusulirawo.

(iv)Omubbi abaali bamuteeze, .,............................................. eki mooni n'ayita mu kkubo eddala.

(v)Nakyejjwe buli muntu kukyalo amuwanda, ................................................ olwokusigula basajja ba baanne.

(vi)Abagole baayambala ne, ................................................. mmooli mu byambalo byabwe ebipya.

(vii)Ffenna Nnankya twamugirako, ........................................................ bwe yabba ssente z'omusajja ze yali amuteresezza.

(viii)Mulenzi ggwe vva mukwekwata, ................................................. omuwala musuuleyo akagambo konna.

(ix) Twabukeereza ........................................................ne tugenda okulaba ku ssenga ow'e Kitakyusa.

(x)Yatusanyukira era n'e .................................................... teyabuguma nga buli omu amwokedde omusooli.

3b (i) Laga bulungi Nnakasigirwa zonna ezoobuntu eziteemala enkozi.

| Omuntu | Mu bumu | Mu bungi |
|---|---|---|
| Asooka | | |
| Owoo kubiri | | |
| Owookusatu | | |

(obubonero 03)

(ii) Amannya agakuweereddw a wammanga laga embu zaago mwe gagwa.

©2022 Matigo Mock Examinations

(i) Eriiso.........................................................................

(ii) Ebitooke,..................................................................

(iii) Kabootongo,..........................................................

(obubonero 03)

(iii) Laga bulungi amateeka ana (4) agafuga enkozesa ye nnukuta L ne R mu luganda nga buli tteeka oliweerako ekyokulabirako kimu.

(obubonero 04)

**"BIKOMYE AWO"**

**"AKUTWALA EKIRO,"**

*©2022 Matigo Mock Examinations*